TRANSPERANCY
INTERNATIONAL
UGANDA

SEPT
2018

Akatabo akalambika ensengeka néngabana yettaka eri abakungu abayigirizidwa amateeka géttaka mu byalo

UCOBAC

EBIRI MUNDA

Ekitundu Eky'okusatu: Eddembe Ly'abakyala 9

Ekitundu Eky'okuna: Okukubaganya Ebirowoozo Ku Njawulo
Ezagonjebwawo Okwawula Abaami Ku Bakyala 10

Ekitundu Eky'okutaano: Eddembe Ly'abakyala Okuba N'obwananyini Ku Bintu 12

Eddembe Ly'abakyala Okuba N'bwananyini Ku Bintu
Mu Tteeka Ly'ettaka (2004), Land Act 13

Eddembe Ly'abakyala Okusinzira Ku Tteeka Ly'obusika(Succession Act) 14

Ekitundu Eky'omukaaga: Enkolagana Z'omumaka N'eddembe
Ly'abakyala Ku Nsonga Z'ebyettaka N'ebintu. 16

Eddembe Ly'okuba N'obwananyini Ku Bintu Nga Bwelisengekeddwa
Oba Bwelyogerwako Okusinziira Ku Tteeka Ly'obufumbo. 17

Ekitundu Eky'omusanvu: Etteeka Ly'okusikira/ Eby'okusikira
N'eddembe Ly'abakyala Ku Bintu. 21

Ekitundu Eky'omunaana: Abakyala Okufuna Obwenkanya
Mu Nsonga Z'ettaka N'ebintu. 28

Ebilemesa Oba Ebikosa Abakyala Mu Kufuna Obwenkanya
Ku Nsonga Z'ettaka N'ebintu: 32

Ekitundu Eky'omwenda: Engeri Endala Ez'okumalawo
Butakaanya/ Obukubaagano 34

01

EKITUNDU EKISOOKA:

OBUWEEREZA BW'OKUSOMESA EDDEMBE LY'OBUNTU MU BYAALO
ANI OMUWEEREZA ASOMESA EDDEMBE LY'ABAKYALA MU BYAALO?

Ono ye muntu w'okukyalo afuna emisomo egikwata ku ddembe ly'obuntu gimusobozese okuweereza mu kyalo kye n'okulaba nti eddembe ly'abantu lituumbulwa era likuumibwa.
Okugeza; asomesa eby'amateeka n'eddembe ly'abantu mu kyalo (Community Paralegal) ne kalabaalaba w'eddembe ly'obuntu ow'okukyalo (Community Human Rights Watchdogs)

ENJAWULO ERI WAKATI W'ABAWEEREZA ABASOMESA EDDEMBE LY'ABANTU MU BYAALO N'ABAWEEREZA ABALALA ABABUSOMERERA (formal human rights providers)

- Beewaayo kyeyagalire okuweereza mu byaalo byabwe.
- Bakola awatali kusasulwa kubanga beesalirawo (Not paid salary because it's on voluntary basis)
- Tebakolera mu ofiisi ntongole.
- Bakolera mu byaalo byabwe gye babeera oba gyebazaalibwa era bamanyiddwa.
- Tebeetaaga kuba na kusoma kwa waggulu nnyo okusobola okuweereza ng'abasomesa/ ba kalabaalaba b'eddembe ly'obuntu mu byaaalo.

OMUGASO GW'ABAWEEREZA BANO

- Bangu okutuukako.
- Bamanyiddwa era beesigibwa abatuuze b'oku kyalo.
- Tebaba ba bbeeyi eri abatuuze. Okugeza; tebakungaanya bisale bya kuwa kuwabula ku by'amateeka.
- Bawabula mu budde era bawa obuyambi obusookerwako obw'omu mateeka (legal first aid).
- Bategeera ebyalo byaabwe okusinga ab'ebweru. Okugeza; eby'obuwangwa, embeera z'obulamu n'ebirala ku byalo byaabwe.
- Abatuuze b'oku kyalo basobola okutegeera abaweereza bano mu bwangu, kino ne kyanguya emirimu. Okugeza; boogera olulimi lwe lumu.
- Enteekateeka eba eriwo eba esobola okukuumibwa n'ewangaala mu kyalo (sustainability and continuity)
- Kizimba abatuuze b'oku kyalo okusobola okumanya engeri y'okwemalira ebizibu ebiri mu kyalo kyaabwe nga bwe bijja bibaawo.

OMULIMU GW'ABAWEREZA ABASOMESA KU DDEMBE LY'ABANTU.

- Kusomesa na kumanyisa bantu mu byaalo ku nsonga ez'enjawulo.
- Kutabaganya abo abalina obutakkaanya.
- Bakola okunonyereza ku misango era ne bagiweereza eri abavunanyizibwa ku kugikolako mu bitongole by'obwenkanya.
- Okuwa abatuuze b'ekyalo empeereza z'eby'amateeka ezisookerwako.
- Basobola okuyamba mu kutaputa emitendera.
- Okukola ng'abatabaganya nga bawabula ku ngeri emisango gye giyinza okukwatibwamu nga basinziira ku kumanya kwabwe okw'etteeka.
- Okuwabula abatuuze b'ekyalo ku ngeri gyebasobola okukwatamu ensonga nga bayita mu mateeka, n'ebirala.
- Benyigira mu kuteekateeka ebiwandiiko ebisookerwako eby'amateeka na ddala nga bayamba abatuuze abataasomako n'abaavu.
- Okukola nga bakalondoozi/bakalabaalaba nga bwe bakuba omulanga ku bikolwa ebityoboola eddembe ly'abantu mu byaalo.
- Okutegeka n'okwenyigira mu mirimu gy'ekyalo wamu n'okwogerera era n'okwogereza ku lw'eddembe.
- Okunonyereza, okukungaanya n'okutereka ebiwandiiko (information)

BIRUNGI KI OMUWEEREZA ASOMESA KU DDEMBE LY'OBUNTU MU KYALO BY'ALINA OKUBA NABYO?

- Alina okuba ng'akkiriza okukola mu kyalo kye nga yeeyagalidde
- Police nga temulinaako kiwandiiko kya buzzi bwa musango gwonna
- Alina okuba omukozi ow'amaanyi
- Alina okwewaayo mu bujjuvu okutuusa empeereza ku kyalo kye
- Alina okuba n'obumanyirivu mu kukunga abantu mu kyaalo
- Alina okuba n'obumanyirivu mu kwogera eri abantu n'abategeeza ekyetaagisa bulungi
- Alina okuba ng'asobola okusoma n'okuwandiika (mu lulimi lwe oba mu lulimi oluzungu)
- Alina okuba omukuumi w'obudde era ng'abukwasaganya bulungi
- Alina okuba n'empisa ennungi ez'okukolagana n'abantu
- Alina okuba n'amazima, obwesimbu, obulambulukufu n'okuwa embalirira ennungi mu byonna

02

EKITUNDU EKY'OKUBIRI:

EDDEMBE LY'OBUNTU

Eddembe ly'obuntu kye ki?

- Bino by'ebintu ebitugwanidde era buli muntu by'alina olw'okuba yatondebwa nga muntu.
- Eddembe ly'obuntu litondebwa mu buli muntu.N'olw'ensonga eyo teri muntu munne alimuwa
- Teri muntu yenna asobola kugaana munne kuba na ddembe lya buntu oba okulimujjako
- Eddembe ly'obuntu lyonna likwata ku buli muntu mu buli kifo wasangiddwa nga terisinzidde ku kibiina kya byabufuzi ky'awagira oba ekika ky'avaamu/ky'azaalibwamu oba enjawulo zonna ezisangibwa mu bantu.Kitegeeza eddembe likutwala nga bw'oli
- Eddembe ly'obuntu lya kyenkanyi era likwatagana mu ngeri emu oba endala
- Eddembe ly'obuntu teririna kubaamu busososze nga lisinziira ku myaka gy'omuntu, ekikula, ekika oba eddiini ye
- Ebintu byonna okugeza ng'ebitabo oba ebiwandiiko eby'enjawulo ebikwata ku ddembe ly'obuntu birina okuweebwa ekitiibwa. Katugambe nti, eddembe erikwata ku by'obufuzi, ebika/ eby'obuwangwa by'abantu, enneeyisa oba embeera zaabwe n'ebikwatagana n'ebyobusuubuzi tebirina kutegekebwa mu mitendera gya ngeri yonna. (Kwe gamba teri ddembe lisinga linnalyo mugaso). Gonna genkana mu kikula n'omugaso
- Eddembe ly'obuntu lyogerwako mu mukutu mulamba ogw'ebikozesebwa n'engeri ezaakolebwa amawanga amagatte
- Mu Uganda, eddembe ly'obuntu litumbulwa era likuumibwa mu Ssemateeka w'eGgwanga lya Uganda owa 1995, era nga kino kye kitabo ekisukkulumye mu kukuuma amateeka ga Uganda.
- Amateeka amalala gonna gatondebwa nga gesigamizibwa ku Ssemateeka ky'agamba. / gasinziira kw'ekyo ekiri mu Ssemateeka
- Ssemateeka akirambika nti abantu bonna beenkana era bali wansi w'amateeka mu buli mbeera oba ya bya bufuzi, busuubuzi, mbeera za bulamu n'ebika oba emituba mwebava. Era bonna balina eddembe okweyagalira n'okukuumibwa Ssemateeka mu kiti kyabwe
- Ssemateeka agamba nti teri muntu ajjakusosolebwa nga basinziira ku kikula kye, ekika kye, langi y'omubiri gwe, ensibuko ye, egwanga lye, obuzaale, eddiini oba obulemu obumuliko obwengeri yonna
- Ssemateeka akwata (avunaana) obumenyi bw'amateeka era amenyawo empisa oba engeri yonna ey'obusososze etakwatagana n'ekyo ekyawandiikibwa mu Ssemateeka/ etatuukagaana na mutindo gwa Ssemateeka

Eby'okulabirako by'eddembe ly'obuntu

1. Eddembe ly'obunnansi n'eby'obufuzi

- Ddembe ly'okwesalirawo (ku nsonga z'ebyofuzi)
- Eddembe ly'okuba n'obulamu
- Eddembe ly'obutatulugunyizibwa, oba okutuntuzibwa oba okuyisibwa mu ngeri etali ya buntu, empisa emalamu omuntu ekitiibwa oba ddembe ly'obutabonyabonyezebwa
- Eddembe ly'obutatwalibwa oba okutundibwa mu buddu n'okukakibwa okukola
- Eddembe ly'okufuga oba okukulira ebikolwa byo nga tosibiddwa era n'okukuuma obuntu - tomala gasib wa busibwi
- Eddembe ly'okugenda/okutambulako gy'oyagala n'eddembe ly'okusalawo ekifo ky'osengamu kasita kiba nga kiri mu mateeka
- Obwenkanya mu maaso g'Etteeka. Buli omu agwanidde okuweebwa obukuumi mu bwenkanyi bwaabwo awatali kusosolwa
- Obwenkanya mu bitaawuluzi/ kkooti ne mu maaso g'abalamuzi
- Eddembe ly'okumanyibwa era okutwalibwa ng'omuntu yonna gy'oba oli mu maaso g'Etteeka
- Obutataaganyizibwa mu kusalawo kwo ku nsonga ezikukwatako, eza famire yo n'amaka go
- Eddembe ly'okwelowooza/ okwelowooleza n'okusalawo eddiini yo
- Eddembe ly'okuba n'ekirowoozo ku nsonga yonna awatali kutataaganyizibwa
- Eddembe ly'okutandikawo oba okuba n'enkolagana oba okweyunga ku bantu abalala mu bibiina by'obu uubuzi
- Eddembe ly'okukuba enkungaana mu mirembe.
- Enjogera esiga omutima gw'okuleeta entalo oba obutabanguko tekkirizibwa mu mateeka
- Eddembe lya buli kinnoomu mu kibiina ky'aba alimu oba kyasangiddwamu

2. Eddembe erikwatagana n'ebyobusuubuzi, embeera z'abantu n'eby'obuwangwa

- Okwesalirawo engeri y'okwekulaakulanya mu by'obusuubuzi, embeera n'eby'obuwangwa
- Eddembe ly'okukola emirimu
- Eddembe ly'okukolera emirimu mu mbeera ennungi era enungamu
- Eddembe ly'okutandikawo oba okweyunga ku bibiina by'obusuubuzi n'eddembe ly'okwekalakaasa
- Eddembe ly'okuweebwa era okufuna ebyetaago ebigwanidde buli muntu okusinziira ku bugabirizi bwa buli ggwanga/oba okusinziira kw'ekyo eggwanga kye lirina (kwegamba okusobozebwa okufuna eky'oku lya, aw'okusula, omulimu, okusoma, obujjanjabi, abakadde okufiibwako oba okuweebwa akasiimo eri abo abaskuka emyaka egikola n'okwambala)
- Obukuumi eri ab'oluganda- famire, obufumbo/amaka (okufaayo okwenjawulo na ddala eri ba maama, abaana n'abavubuka)
- Eddembe ly'okuba oba okufuna embeera y'obulamu ensaamusaamu –eyeeyagaza (ng'ofuna emmere, eby'okwambala, aw'okusula, obutalumwa njala)
- Eddembe ly'okunyumirwa era okufuna obulamu obulungi obweyagaza awatali kuba na bulemu

bw'omubiri nga n'obwongo busaza kimu
- Eddembe ly'okufuna okusoma okusookerwako okw'omugaso
- Eddembe ly'okwenyigira mu bulamu bw'eby'obuwangwa

EBIKULU EBY'OKUMANYA KU DDEMBE LY'OBUNTU

(i) Lya butonde (Inherent)

- Buli muntu yatondebwa n'eddembe ly'obuntu
- Buli muntu alina eddembe ly'obuntu kuba yazalibwa nalyo era teri alimuwa

(ii) Teriggibwaawo (Inalienable)

- Teri asobola kuganiibwa kuba na ddembe lyabuntu
- Teri asobola kujjako munne ddembe lyabuntu

(iii) Lya nsi yonna (Universality)

- Eddembe ly'obuntu likola kye kimu ku bantu bonna mu nsi yonna era mu buli kifo
- Kino kitegeeza nti eddembe ly'obuntu likwata ku bantu bonna mu bitundu gye baba basangiddwa
- Abantu bonna balina eddembe ly'obuntu nga terisinziira ku mirimu gye bakola, wa gye bava, gye babeera oba gye balina obutuuze
- Abantu bonna balina okuba n'eddembe ly'obuntu nga terisinziira ku byabufuzi, bya buwangwa oba ebintu byonna ebireeta enjawulo mu bantu

(iv) Lye wanirira era likwatagana (Interdependent and interrelatedness)

- Eddembe ly'obuntu lyenkana era likwatagana. (Jjukira nti eddembe ly'obuntu lilimu ebika naye byonna bikwatagaana)
- Okusobola okutuukiriza eddembe erimu kyetaagisa okutuukiriza linnaalyo mu bulambalamba oba mu butundutundu. Okugeza; eddembe ly'eby'obulamu lyandiba nga lyesigama ku ddembe ly'enkulakulana oba eby'enjigiriza lisobole okutukirizibwa

(v) Obwenkanya n'obutasosola (Equality and non discrimination)

- Abantu bonna benkana mu buntu
- Eddembe ly'obuntu teririna kusosola nga lisinziira ku myaka, ekikula ky'omuntu, endabika yadde eddiini

(vi) Terigabanyizibwamu (Indivisible)

- Eddembe ly'obuntu lyonna lirina okuweebwa ekitiibwa nga bwe lyawandikiibwa Teritemebwatemebwamu.
- Eddembe ly'obufuzi, eby'obuwangwa, embeera z'abantu n'eby'e nfuna teritegekebwa mu mitendeera (hierachy) kuba tewali lisinga linnaalyo bukulu
- Eddembe lyenkana mu nsengeka n'omugaso.

(vii) Okwenyigiramu n'okwegattako (Participation and inclusion)

- Abantu bonna balina eddembe okwenyigira n'okufuna ebiwandiiko (information) byonna ebikozesebwa okusalawo ku nsonga ezikwaata ku bulamu bwaabwe n'okubeerawo kabwe
- Ebyalo, abantu bonna abalina obulemu ku mibiri oba ensonga ezibasosoza, abaami n'abakyala ba ddembe okwenyigira mu nsonga ezigenda mu maaso okusalawo ekiba ku bulamu bwaabwe

(viii) Embalirira n'enfuga y'Etteeka (Accountability and rule of law)

- Eggwanga n'abakwasibwa obuvunanyizibwa bonna balina omulimu okulaba nga eddembe ly'obuntu likuumibwa
- Balina okugondera obukwakkulizo obuli mu mateeka n'omutindo ogwateekebwa mu biwandiiko ebikwaata ku ddembe ly'obuntu mu nsi yonna. (International and national human rights instruments)
- Singa balemererwa okulikuuma, abo abakoseddwa balina eddembe okunooya engeri y'okubonereza abakwasibwa obuvunanyizibwa nga bayita mu kkooti ennungamu ezaatekebwaawo era nga bagoberera amateeka n'emitendera okusiziira ku Ssemateeka
- Abantu ababulijjo, bannamawulire n'abakungaanira mu bibiina balina okusaba embalirira okuva mu bakulembeze abavunanyizibwa okulaba ng'eddembe ly'obuntu likuumibwa.

EMIRIMU N'OBUVUNANYIZIBWA BWA BULI OMU MU KUTUMBULA EDDEMBE LY'OBUNTU

GAVUMENTI;

- Obuvunanyizibwa bw'okuwa obukuumi:
  - Okukakasa/okulaba nti eddembe ly'abantu likuumibwa era terityoboolwa mu ngeri yonna. Kino gavumenti ekikola ng'eyita mu kuteekawo amateeka
  - Okuteekawo ebibiina oba ebitongole ewawaabirwa emisango gy'obutyoboozi bw'eddembe ly'abantu oba emitendera egirina okugobererwa singa wabaawo atyobodde eddembe ly'abantu
- Obuvunanyizibwa bw'okutuukiriza
  - Kino kikolebwa nga gavumneti etuusa ku bantu empeereza (z'olukale) ennungi, n'okubawa omukisa gw'okweyagarira mu ddembe lyabwe mu bujjuvu
- Obuvunanyizibwa bw'okuwa ekitiibwa.
  - Gavumenti erina okwewala ebikolwa byonna ebiyinza okutyoboola eddembe lya ba nansi b'ekulira.

EBIBIINA BY'OBWA NAKYEWA

- Obuvunanyizibwa bw'okwogerera oba okuyimusa eddoboozi ly'abantu ku nsonga z'enjawulo na ddala ng'eddembe ly'obuntu litoobodwa
- Obuvunanyizibwa bw'okubanja gavumenti okutuukiriza obuvunanizibwa bw'ayo ku kutumbula eddembe ly'obuntu
- Obuvunanyizibwa bw'okulondoola n'okukebera enkola/pulogulamu ya gavumenti okulaba nti etuukiriza obuvunanizibwa bw'ayo obw'okutumbula eddembe ly'obuntu, n'obutalityoboola

OMUNTU/ BULI KINNOOMU

- Buli muntu alina eddembe ly'okubanja eddembe lye n'okulyeyagaliramu

03

EKITUNDU EKY'OKUSATU:

EDDEMBE LY'ABAKYALA

Eddembe ly'abakyala nga bwe lirambikiddwa mu Mateeka agafa ku Ddembe Ly'obuntu mu nsi Yonna

- Ly'ogerwako mu biwandiko eby'olukiiko olw'ogera ku kumalawo engeri zonna abakyala zebasosolwamu. (1979) – kino kiwandiiko kikozesebwa mu kulwanirira eddembe ly'abakyala era nga kyatekebwatekabwa amawanga amagatte. Kilwanyisa era kiwakanya obusosoze obwengeri yonna eri abakyala.
- Gavumenti ya Uganda yateeka omukono (yasayininga) ku kiwandiiko kino era etemye empenda/ etaddewo amakubo aganaagisobozesa okuteeka mu nkola ebiri mu kiwandiiko kino mu ggwanga lyaffe nga eyitira mu mateeka agali mu Ssemateeka owa 1995 ow'eGgwanga Uganda.
- Eddembe ly'abakyala ly'ogerwako mu Ssemateeka w'eGwanga Uganda owa 1995 era lino ly'Etteeka erisinga obukulu, erisukkulumye ku gonna.

Ssemateeka agamba nti;

- Abakyala banaaweebwanga ekitiibwa eky'obuntu mu bujjuvu era mu bwenkanyi nga bwe kiri eri abaami
- Eggwanga linaawangayo ebyetaagisa n'okuteekawo emikisa egiyamba abakyala okulaba nti babeera bulungi, beezuula era bagenda mu maaso mu kwekulaakulanya
- Eggwanga linaakuumanga abakyala n'eddembe lyabwe mu kiti kyabwe eky'enjawulo wamu n'okubawanga ekitiibwa olw'emirimu gyabwe egy'okuba ba maama mu mawanga
- Abakyala banaabanga n'eddembe ery'okuyisibwanga kyenkanyi n'abaami era mu ddembe lino banaaweebwanga emikisa gye gimu egy'okwenyigira mu nsonga z'eby'obufuzi, eby'obusuubuzi na byonna ebifa kumbeera z'abantu
- Abakyala banaabanga n'eddembe ly'okusalawo okutereeza oba okulungamya ku lw'ensonga y'okulungoosa obutali bwenkanya obwatondebwawo ebyafaayo n'eby'obuwangwa
- Ssemateeka agaana amateeka, ebika/eby'obuwangwa oba engeri zonna ezikontana n'ekitiibwa ky'abakyala, okubaawo kwabwe okulungi oba ekirinnyirira ekitiibwa kyabwe ng'abakyala

Okukomekkereza ;

- Abakyala n'abaami benkana mu maaso g'Etteeka lya Uganda
- Ssemateeka w'Eggwanga Uganda asukkulumye ku mateeka amalala gonna n'eby'obuwangwa

04

EKITUNDU EKY'OKUNA:

OKUKUBAGANYA EBIROWOOZO KU NJAWULO EZAGONJEBWAWO OKWAWULA ABAAMI KU BAKYALA (Gender Analysis)

- ***Enjawulo wakati w'abaami n'abakyala nga bitekedwawo abantu (Gender)*** kitegeeza ebitekebwawo abantu n'eby'obuwangwa nga byagonjebwawo okulaga enjawulo wakati w'abaami n'abakyala oba abalenzi n'abawala. Okugeza, emirimu, enneeyisa n'ebikolwa)
- ***Ekikula ky'omwami oba omukyala (Sex)*** kitegeeza enjawulo ez'obutonde ezawula abaami n'abakyala okugeza; eddoboozi (abaami batera okuba n'eddene ate abakyala n'akatonotono), ekikula ky'omubiri ng'amabeere, ebitundu by'ekyama, obusobozi bw'okuzaala, n'ebirala.

ENJAWULO WAKATI W'AABAAMI, N'ABAKYALA NGA BITEKEDDWAWO ABANTU N'OBUWANGWA BWABYE. (Gender Differences)

- ***Emirimu/obuvunanyizibwa:*** Mirimu ki abakyala, abaami, abawala, n'abalenzi gye bakola era bagikola ddi?
- ***Obugabirizi:*** Bugabirizi ki abakyala, abaami, abawala n'abalenzi bwe balina okusobola okuutukiriza obuvunanyizibwa bwabwe oba okukola emirimu gyabwe. Mu bugabirizi mulimu; obudde, ebikola, ebyo bye balinako obwa nanyini (sibyamabanja), okumanya kwaabwe/amagezi, eby'ensimbi, eby'obutonde okugeza ettaka.
- ***Ebiganyulwa:***Biki abakyala, abaami, abawala, n'abalenzi bye basuubira okuganyulwa mu mirimu gyabwe n'obugabirizi obubaweereddwa.
- ***Ebisuubirwa:*** Biki ebisuubirwa mu bakyala, abaami, abawala, n'abalenzi okusinziira ku kika ky'emirimu/ obuvunanyizibwa obubaweereddwa, obugabirizi bwabwe wamu ne byebajja baganyurwa?
- ***Obuyinza bw'okusalawo:*** Obuyinza abakyala, abaami, abawala, n'abalenzi bwe balina mu kusalawo emirimu gye banakola/ obuvunanyizibwa bwe banaatwala, obugabirizi bwe banaaba nabwo n'eby'okuganyulwa (ebirungi) bye banafuna.

AMAZIMA AGAKWAATA KU NJAWULO WAKATI W'ABAAMI NA'BAKYALA NGA ZAAGONJEBWAWO ABANTU N'OBUWANGWA BYABWE

- Enjawulo zino zaawukana okusinziira ku mawanga eg'enjawulo n'ekifo. Katugambe nti; buli ggwanga oba obuwangwa bulina engeri gye busalawo okwawula abaami n'abakyala era kino

kikyuukakyuuka mu buli kifo n'eggwanga

- Ejawulo zino zisobola okukyuuka essaawa yonna ng'abantu bwe baba baagadde oba balabye nga kisanidde
- Okuyiga n'okukoppa embeera z'abanaffe abalala kikola kinene nnyo mu ngeri z'etusalawo enjawulo zino

WETEGEREZE BINO;

- Enjawulo zino eziteekebwawo abantu n'obuwangwa ziwa emikisa, obusobozi, n'amaanyi ganjawulo wakati w'abaami n'abakyala (Kitegeza nti, enjawulo zino, yadde zaatekebwawo mu bulungi, zikosezaako oludda lumu(Abakyala), oludda olulala ne luganyulwamu (Abaami)
- Embeera eno eleese okutyoboola eddembe ly'bakyala

05

EKITUNDU EKY'OKUTAANO:

EDDEMBE LY'ABAKYALA OKUBA N'OBWANANYINI KU BINTU

EDDEMBE LY'ABAKYALA OKUBA N'OBWANANYINI KU BINTU EKINTU KYE KI? EKINTU KYE KI?

Kitegeeza ekyo kyonna ekiriko obwananyini.
Ebika by'ebintu

- Ebintu ebikalu oba ebitatambuzibwa: Bino bye bintu eby'enkalakalira era tebisobola kutambuzibwa kuva mu kifo ekimu oba ekilala. Okugeza; ettaka, ennyumba, ebibira n'ebirala
- Ebintu ebitambuzibwa: Bino si bya nkalakkalira era bisobola okutambuzibwa okuva mu kifo ekimu okudda mu kirala. Okugeza; ebisolo, ebintu by'omunju/amaka, sente, essimu, embaawo, akagaali, ebikozesebwa (tools), engoye, ebyamalidaadi nga eby'omubulago oba amatu, akawunti za banka, akasiimo k'obukadde/ okuwummula ku mirimu, n'ebirala

EDDEMBE LY'ABAKYALA OKUBA N'OBWANANYINI KU BINTU

- Lino ly'eddembe ly'abakyala okufuna/okukozesa, okuba n'obwanannyini n'okusalawo ekikolebwa ku bintu (ebintu ebitatambuzibwa n'ebitambuzibwa)
- Mulimu;
  - Eddembe ly'okukozesa nga kitegeeza abakyala balina eddembe okukozesa ebintu
  - Eddembe ly'okuba n'obwanannyini ku bintu nga kitegeeza okuba n'obwanannyini mu mateeka nga kinnoomu oba nga beeyunze n'abantu abalala, nga era obwanannyini buno buteekeddwa mu buwandiike obutuufu. (Ebiwandiiko ebiri mu mateeka nga biraga obukakafu bwananyini)
  - Eddembe ly'okusalawo ekikolebwa ku bintu nga kitegeeza okuba n'obuyinza obusalawo enkozesa, oba okutunda, okuwanyisa, okupangisa, okusulirira n'ebirala.

EDDEMBE LY'ABAKYALA KU BINTU MU SSEMATEEKA OWA 1995 OW'EGGWANGA LYA UGANDA

Amateeka ga Uganda agafa ku bintu tegasosola wakati w'abaami n'abakyala ku eddembe ly'okuba n'obwanannyini ku bintu.

Ssemateeka agamba nti;

- Buli muntu alina eddembe okuba n'obwanannyini ku bintu nga kinoomu oba nga yeeyunze ku bantu abalala
- Tewali muntu yenna ajja kujjibwako bintu mu maanyi oba ebyo by'aba alaze nti ayagala oba by'alina ko eddembe okuba nabyo mu ngeri yonna
- Obwenkanya wakati w'abaami n'abakyala mu nsonga z'okufuna n'okuba n'ettaka
- Abaami n'abakyala abassuka emyaka kkumi na munaana egy'obukulu baweebwa eddembe ly'obwanan
  nyini ku bintu lya kyenkanyi nga bafumbiriganwa, mu bufumbo ne mu kwawukana oba mu kubu sanyaawo
- Amateeka agafa ku by'okusikira gagamba nti abakyala balina eddembe okusikira abaami baabwe n'ebataata baabwe

EDDEMBE LY'ABAKYALA OKUBA NO'BWANANNYINI KU BINTU MU TTEEKA LY'ETTAKA (2004), LAND ACT

- Etteeka ligaana era limenyawo empisa z'obuwangwa eziremesa abakyala n'abaana okuba n'obwanannyini, okuba n'emirimu n'okukozesa ettaka. Limenyawo engeri zonna eziremesa abantu b'ekika kino okuba n'obwananyini
- Liwa obukuumi eri omwami oba omukyala omufumbo (Mu mateeka) okuba ku ttaka ly'amaka/famile land. Kino kitegeeza nti omwani n'omukyala abafumbo mu mateeka beebanannyini ttaka ly'amaka oba erya famire era namwandu oba semwandu ow'obufumbo mu mateeka y'alina eddeembe okusigaza ettaka ly'amaka/famile. Ettaka ly'amaka ly'ettaka/ekibanja famile mw'ejja okubeerawo kwayo oba omuva ekiyimirizaawo amaka/famile
- Etteeka liwa omwami / omukyala omufumbo mu mateeka oba semwandu oba namwandu nga yali mu bufumbo bw'amateeka, eddembe ly'okusalawo ekyo kyonna ekinaakolebwa ku ttaka lya famile ng'ayita mu kuwa obukiiko bw'ekitundu obuyinza
- Omwami yenna nga tannasalawo kintu kyonna kukolebwa ku ttaka ly'amaka/famile, alina okugeraageranya oba okwebuuza ku mukyala we wabeewo okukkirizaganya. Era bwe kutabaawo/ bwe kutatuukibwako, tewali kirina kukolebwa kuba amateeka gaba gakisazaamGeza nga okusinga ekyapa ekyo mu banka oba okukituunda, Alina okulaga obukakafu nti omwami we oba omukyala we akimanyiiko era akkirizza
- Etteeka ligamba nti abakyala balina eddembe okweyimirirwa mu bitongole ebikwasaganya eby'ettaka oba obukiiko bw'ettaka ku disitulikiti ne ku byalo, mu bwenkanyi ng'abaami era nga tebasosolebwa
- Ekitundu bwe kisalawo okutandikawo ekibiina ky'eby'ettaka ekyawamu, ekitundu kimu ku bisatu eby'akakiiko akaddukanya ekibiina kirina okubaamu abakyala

EDDEMBE LY'ABAKYALA OKUSINZIIRA KU TTEEKA LY'OBUSIKA (SUCCESSION ACT)

- Ligamba nti abaana bonna, nga terisosodde mu kikula (bawala n'abalenzi), balina ddembe okusikira

ebintu bya bakadde baabwe.

ETTEEKA LY'OKUWANDIISA EBYAPA BY'ETTAKA (REGISTRATION ACT)

- Ligamba nti buli muntu (omusajja oba omukazi) alina eddembe okuba n'obwanannyini ku ttaka n'ebintu kasita biba nga biwandiise mu mannya ge mu mateeka

WETEGEREZE BINO:

1. Waliwo enjawulo wakati w'ekigambibwa amateeka n'ekyo ekiri mu nkola mu bulamu bwa bulijjo. Abakyala bangi tebafuna era tebeeyagalira mu ddembe lyabwe ery'okuba n'obwanannyini ku ttaka n'ebintu
2. Ettaka kya bugagga ekisookerwako, kya maanyi era kikozesebwa okufulumya n'okukola bingi mu Uganda. Newankubadde ng'abakyala ba Uganda kinaana ku buli kikumi (80%) balima emmere y'okulya ku ttaka ate nkaaga ku buli kikumi (60%) balima ebirime eby'okutunda, kuliko musanvu ku buli kikumi (7%) bokka abalina obwanannyini ku ttaka. Kino kitegeeza nti abakyala bangi balima ne batuyaanira ku ttaka lye batalinaako kakwaate, bwanannyini yadde n'okusalawo ekirikolebwako.
3. Bwe kituuka ku kusalawo sente ezifuniddwa, abaami beebatwaala obukulu. Abakyala bangi lubeerera tebagabana magoba oba mu biganyuddwa mu mirimu gikoleddwa okufulumya newankubadde nga bayinza okuba nga beebasinze okwenyigira mu kukola emirimu.

OKUSOOMOZEBWA ABAKYALA KWE BASANZE

1. Obutamanya bikwata ku ddembe ly'abakyala okuba n'obwananyini ku bintu nga kino kitegeeza nti abantu bangi, abaami n'abakyala tebamanyi mateeka n'eddembe lyabwe
2. Endowooza z'eby'obuwangwa ezikyariwo ezisosola abakyala nazo zikoze kinene mu kukosa eddembe ly'abakyala okuba n'obwanannyini ku ttaka
3. Okugaana, okusuulirira, n'okusibira abakyala ebweru ku nsonga ezikwata ku by'okusikira ettaka era kino nga kireetebwa endowooza z'eby'obuwangwa ezisosola abakyala
4. Abakyala abasinga bali mu bufumbo obutali bwa mateeka (Kawundo kakubye eddinisa) ate ng'amateeka ga Uganda tegakuuma dembe ly'abo abakyala abali mu bufumbo obutali bwa mateeka
5. Abakyala abasinga balowoza nti okubeera ng'obeera, olima, okozesa ettaka ly'omwami oba erya famile nti obeera nannyini ttaka eryo, ate nga ekyo sikituufu, okujjako nga muli mu bufumbo obw'amateeka oba ng'owandiikidwa nga nannyini ttaka eryo ku kyapa oba endagaano
6. Obutabeera na bwenkanya mu nsalawo z'emisango z'ettaka mu bitongole oba mu nkiiko ezikwasaganya eby'ettaka
7. Abakyala okuba ku daala erya wansi mu by'ensimbi/ oba obusuubuzi
8. Ebituli ebiri mu buweereza bw'amateeka oba abavunanyizibwa okukwasanganya eby'amateeka nabyo bikoze kinene mu kulemesa abakyala okutuuka ku ddembe lyabwe ery'ettaka.

OMUGANSO GW'OKUTUMBULA N'OKUKUUMA EDDEMBE LY'ABAKYALA KU TTAKA

1. Abakyala bafuna era bawulira emirembe mu maka gaabwe ne mu bitundu gye babeera
2. Kireeta era kitumbula enkulaakulana mu maka ne mu bitundu gye babeera kubanga abakyala bano baba basobola okwenyigira mu nkulaakulana mu maka gaabwe ne mu bitundu gye babeera

06

EKITUNDU EKY'OMUKAAGA:

ENKOLAGANA Z'OMUMAKA N'EDDEMBE LY'ABAKYALA KU NSONGA Z'EBYETTAKA N'EBINTU

OBUFUMBO KYEKI OKUSINZIRA KU TTEEKA LY'ETTAKA

- Okujja awamu okwa abantu abasukka emyaka kkumi na munaana
- Nga baakikula kya njawulo
- Kulina okuba kwa kyeyagalire
- Kulina okuba nga kumanyikiddwa mu mateeka ng'obufumbo

EBIKA BY'OBUFUMBO OBULI MU MATEEKA MU UGANDA

1. **Obufumbo bw'eby'obuwangwa kwe tuyita okwanjula mu bakadde nga businziira ku buwangwa bwaffe oba gye batuzaala/ensibuko yaffe:**
   - Omwami akkirizibwa okuba n'omukyala asukka mw'omu
   - Akulira e Ggombolola y'abawa ekiwandiiko ekikakasa obufumbo bwamwe kyetwandiyise satifiketi y'obufumbo
2. **Obufumbo bw'omu kooti:**
   - Omwami akkirizibwa kuba n'omukyala omu yekka
   - Ababwagadde bagattibwa akulira disiturikiti (CAO) oba omukulu awerreddwa obuvunanyizibwa obw'okuwandiisa obufumbo obutukuvu mu kitongole/ministule ekikwasaganya ensonga z'obwenkanya
3. **Hindu marriage:**
   - Ekika ky'obufumbo kino kibaawo wakati w'abantu/abaagalana abagoberera enzikiriza/ eddini y'eki Hindu. Abasinga obungi ku bano basangibwa Buyindi (India). (Era obufumbo buno bukulirwa etteeka erikwata ku bufumbo mu kihindu era n'emukwawukana etteeka lino lye bagoberera oba lye beebuuzaako)
   - Obufumbo buno bumanyikiddwa, bukkirizibwa mu Uganda era bukolebwako eri ababwetaaze.
4. **Obufumbo bw'omu kanisa:**
   - Omwami akkirizibwa kugattibwa era n'okubeera na mukyala omu
   - Ekika ky'obufumbo buno kibaawo wakati w'abo abakkiririza mu ddiini y'ekikurisitaayo
   - Era buba bwa kyeyagalire wakati w'omwami n'omukyala okugattibwa babeere wamu mu bulamu ppaka kufa bw'ekulibaawukanya

5. Obufumbo bw'ekiyisilamu:

- Buno buba wakati w'abo abagobereera enzikiriza/ eddiini y'ekiyisiraamu
- Era omwami akkirizibwa okuba n'omukyala assuka mw'omu

EDDEMBE LY'OKUBA N'OBWANANNYINI KU BINTU NGA BWE LISENGEKEDDWA OBA BWE LYOGERWAKO OKUSINZIIRA KU TTEEKA LY'OBUFUMBO

- Ebintu byonna ebiguliddwa oba ebifuniddwa oba ebikolereddwa ng'abagalana bali mu bufumbo obumanyikiddwa mu mateeka /obutukuvu biba byabwe bombiriri/bonna (babirinako obwa nnanyini bonna, si kikulu oba biwandiikiddwa mu mannya gaabwe oba nedda. Okujjako nga basazeewo okukkirizanganya ku bwananyini mu ngeri endala
- Mu kiseera ng'obufumbo buweddewo/ bukomye /busanyiziddwawo, ebintu nga bino biba bigabanibwa mu bwenkanya wakati w'abafumbo. Ate singa omu ku bafumbo azaawa/afa ebintu bino bisigazibwako obwa nannyini oyo omufumbo aba ng'akyaali mulamu.
- Ebintu ebyagulibwa oba ebyafunibwa nga obufumbo tebunnabaawo biba tebiriiko bwananyini bwa wamu era byo bisobola okuweebwa abantu abalala okusinzira nga nanyini byo bwaaba asazeewo.

OKUBEERA AWAMU MU MAKA NGA TEMULI MU BUFUMBO BW'AMATEEKA BWE TUYITA OBUFUMBO BWA KAWUNDO KAKUBYE EDDINISA ENSANGI ZINO:

- Embeera eno weeri nnyo era ebunye mu Uganda. Okunoonyereza kulaga nti abakyala kinaana ku buli kikumi (80%) bali mu ntegeka ey'ekika kino
- Etteeka lya Uganda terimanyi era teriwa lukusa ku kika kya bufumbo buno awatali kufa ku budde oba ebiseera bye mumaze nga muli/mubeera mwenna newankubadde nga muzadde n'abaana
- Abantu abali mu ntegeka eno tebeeyagalira mu ddembe bannaabwe lye bafuna abali mu bika by'obufumbo obumanyikiddwa mu mateeka
- N'olwensonga eyo abantu abali mu ntegeka eno tebalina mutemwa gwakugabanya yadde obusika ku bintu bya nbanaabwe nga bwekiri mu bufumbo obumanyikiddwa
- Wabula, ali mu ntegeka eno asobola okuganyulwa/okufuna ku bintu bya munne azaaye singa kisangibwa/kizuulwa nti ebintu bino byawandisibwa mu mannya gaabwe bombi/bonna
- Era omu ku bali mu ntegeka eno asobola okuganyulwa/okufuna ku bintu singa munne yalaama nti binaaba bibye. (Kino kisobola okubaawo ng'ebintu ebyogerwako mu kiraamo byali bya mugenzi ng'abirinako obwanannyini oba nga yabifuna nga tannaba kubeera mufumbo era nga si ttaka lya maka/famile ye ey'obufumbo obutukuvu/obumanyikiddwa mu mateeka)

WETEGEREZE BINO;

- Omukyala ali mu bufuumbo obutamanyikiddwa mu mateeka tayimirirwa mateeka ga Uganda na ddala etteeka ly'ettaka, n'ery'obufumbo
- Omukyala ali mu bufumbo obutamanyikiddwa mu mateeka alina kulaba nti naye awadiikibwa ku kyapa ky'ettaka oba ku bintu ebirala nga nannyini bintu bino
- Omukyala ali mu bufumbo obutamanyikiddwa mu mateeka ayinza okufuna ku bintu singa munne alaama nti binaaba bibye, ate nga waliwo obukakafu nti bino ebintu bibye ye yekka, oba nga yabifuna

nga tannabeera mu bufumbo

- Omukyala ali mu bufumbo obutamanyikiddwa asaana akole nnyo afune ko ku ttaka erirye ku lulwe mu mannya ge
-

ABAANA;

- Abaana abazaaliddwa mu bufumbo oba awatali bufumbo bamanyiddwa nga baana mu mateeka era beenkana. Etteeka terisosola baana bona
- Era bagwanidde omugabo gwa kyenkanyi mu bintu by'omugenzi

OKWAWUKANA N'OKUGATTULULWA

Etteeka ly'obufumbo ly'ogera ku kugattululwa oba okwawukana mu mbeera ey'enjawulo eba eriwo;

Okugatululwa (okwawukana okw'olubereera);

- Kitegeeza okwawukana okwenkalakkalira/ okwa namaddala eri abo abafumbiriganwa mu mateeka.
- • Omuntu ayagala okugattululwa alina okuwa/ okuwandiika ensonga ng'anyonnyola lwaki ayagala okugattululwa.
- Ensonga lwaki abakulu bakiriza okumugatulula
- Ekitawuluzi/ kkooti y'egaba ebbaluwa ekkiriza okugattululwa
- Era buli muntu akkirizibwa era alina olukusa oluddamu okufumbirwa/okuwasa singa amaze okugatululwa

Okugattululwa n'eddembe ly'abakyala ku bintu

- Mu biseera nga okugattululwa kukkiriziddwa, etteeka likkiriza okugabana kw'ebintu ebyafunibwa mu bufumbo ppaka mu kubusanyaawo mu bwenkanya
- Ebintu ebyafunibwa ng'obufumbo tebunnabaawo biba bya kinnoomu era byo tebikwatibwako mu kugabana kuno

Okwawukana (okw'ekiseera ekigere)

- Kitegeeza okuva mu bufumbo okutali kwa nkalakkalira era nga kuliko ekkomo eritasukka myaka ebiri
- Wayinza okubaawo/okufuna ekiwandiiko okuva mu kkooti ekibakkiriza okwawukana oba abakirimu (abagalana) okusalawo okukkirizaganya ku bbanga ly'okwawukana kwabwe awatali kugenda mu kkooti
- Ekigendererwa kya buli omu ali mu bufumbo buno kwelowooza na kusalawo oba obufumbo akyabwagala era abulwanire okubuzza
- Wabula, abafumbo bombi/bonna balina obuvunanyizibwa obw'okulabirira n'okugabirira abaana abazaaliddwa mu bufumbo

Okwawukana n'eddembe ly'abakyala ku bintu;

- Ebintu byonna omukyala/omwami by'aba afunye nga bali mu kiseera eky'okwawukana biba bibye ng'omuntu kubanga abeera abikoleredde

- Ebintu by'omukyala, omwami bye yeeyagaliza ng'asinziira ku bufumbo bwabwe, omukyala asobola, bw'aba omwami yali yamusuulirira, okusaba kkooti okuyisa ekiragiro ekikuuma ebintu ebyo nga kibimutangira, n'okubikuuma eri abamubanja n'eri omuntu yenna omulala ng'ali wansi w'omwami
- Okwawukana bwe kuba kuvudde ku bikolwa by'omukyala eby'obwenzi, kkooti esobola okusalawo nti ebintu byonna ebimugwanidde biweebwe omwami we oba abaana abazaaliddwa mu bufumbo bibagase.
- Abafumbo abali mu kwawukana baba bakyayitibwa bafumbo era batwalibwa okuba abafumbo. Okwawukana tekumalawo nkolagana ya bufumbo. N'olw'ensonga eyo omu ku bafumbo bw'aba afudde, munne alina eddembe ly'okuganyulwa mu bintu by'omugenzi

Ddi abafumbo lwe bakkirizibwa okugattululwa/ okwawukana?

- Omwami bw'aloopa mu kkooti nti obufumbo busaanyizibwewo olw'ensonga y'omukyala okwenyigira mu bikolwa eby'obwenzi
- Omukyala bw'aloopa nti obufumbo busaanyizibwewo olw'ensonga y'omwami okyuusa eddiini ye/ enzikiriza era n'agenda mu maaso mu ngeri y'obufunmbo endala n'omukazi omulala. Okuganza ab'enganda, okwenyigira mu bikolwa bya ba kaggwa ensonyi (rape), okuganza n'okwegatta n'ebisolo/ekisolo, obukambwe obuyitiridde, okusulawo omukazi okussuka emyaka ebiri awatali nsonga nkulu n'ebirala nga bwebirambikiddwa etteeka lino

07

EKITUNDU EKY'OMUSANVU:

ETTEEKA LY'OKUSIKIRA/ EBY'OKUSIKIRA N'EDDEMBE LY'ABAKYALA KU BINTU

OKUYIIYIZA (okupulaningira) OBUSIKA:

- Kino kitegeeza obusobozi bw'omuntu okuyiiyiza ensaasanya/engabanya y'ebintu bye nga tanafa
- Pulaani eno/ okuyiiya kuno tekulina kuterekebwa mu bwongo bw'omuntu kubanga abantu b'alese emabega/ baaleseewo baba tebasobola kumanya kye yali ayagala kikolebwe
- Era pulaani terina kwogerebwa bwogerebwa kubanga eby'ogeddwa bivvuunulwa era bitegeerebwa mu ngeri za njawulo era biyinza okutataaganyizibwa ne bitategeerebwa bulungi
- Erina okuba mu buwandiike. Ekiwandiiko kino kimanyiddwa nga ekiraamo
- Omugaso gw'okuyiiyiza obusika gwa kulaba nti amaka/famire esigala mu mirembe nga nnyini bintu afudde awatali nkaayana

Ekiraamo kye ki?

- Kino ky'ekiwandiiko ekiteekebwateekebwa nga kyogera era kiraga ensaasanya y'ebintu by'omuntu singa aba ng'amaze okufa/azaaye
- Kiraga ebigendererwa by'omuntu ku nkwasaganya ennungamu ey'ebintu bye, n'obuvunanyizibwa bw'okukuza n'okukulembera abaana be n'ebirala
-

Ani asobola okukola oba okuwandiika ekiraamo?

- Omuntu yenna akuze okusukka emyaka kkumi na munaana era ng'obwongo bwe bukola bulungi-bulamu
- Omuntu ayitibwa omuwandiisi w'ekiraamo oba eyawandiika ekilaamo kye
- • Omuntu alina okwekolera ekiraamo kye nga yeeyagalidde era nga tewali amukase oba amusindiikirizza
- Ekiraamo kisobola okukolebwa abasajja n'abakazi, abafumbo n'abali bokka

B'ani abaganyulwa mu kiraamo?

- Abaana bonna abazaalibwa omugenzi ab'omu bufumbo n'ebweru n'abo beyasalawo okukuza obukuza ng'ababe
- Ab'enganda bonna b'ababadde alabirira ng'abalinako obuvunanyizibwa era nga ye gwe batunulidde okubayimirizaawo

- Omusika alondebwa okusinziira ku kika ky'omugenzi oba eby'obuwangwa by'ekitundu gy'ava. Omusika asobola okuba omukazi oba omusajja.
- Omusika ow'omu mateeka eyeeyimirira/eyalondebwa okukwasaganya eby'amateeka by'omugenzi ebikwata ku mayumba ge oba ettaka era asobola n'okuloopa emisango ku lw'omugenzi.
- Manya bino: Omukyala bw'aba abadde si mufumbo wa mpeta/mateeka era nga tayogeddwako mu kiraamo, olwo aba alina emikisa mitono ddala okufuna omugabo mu bintu by'omugenzi.

Ekiraamo kirina kuwandiikibwa mu ngeri ki?

- Ekiraamo tekirina kugoberera mpandiika ya ngeri yonna kasita kiba nga kikakasiddwa era nga kitegerekeka.
- Kisobola okuwandiikibwa mu lulimi lwonna.
- Kirina okuba nga kirambika era kisengeka ensonga bulungi.

Ebitabuusibwa maaso ebifuula ekiraamo okuba nga kikkirizibwa (ebirina okuba mu kiraamo)

- Erinnya ly'omuntu awandiika ekiraamo, gy'abeera, gy'azaalibwa, eggwanga lye, eddiini ye, ekika kye n'olulyo lw'asibuka mu.
- Ennaku z'omwezi n'omwaka ekiraamo lwe kyakolebwa.
- Abantu b'omugenzi giyite famire ye/ amaka ge ng'alaga amannya g'omukyala/abakyala – omwami/ abaami, ennaku z'omwezi n'omwaka gw'okufumbiriganwa n'ekifo we baatuukuliza obufumbo, amannya g'abaana n'abo bonna b'abadde alabirira
- Olukalala lw'ebintu byonna omuwandiisi w'ekiraamo by'alinako obwanannyini
- Engeri gy'ayagalamu ebintu bisaasanyizibwe/ bigabanibwe
- Erinnya/amannya g'oyo aweereddwa olukusa n'obuvunanyizibwa bw'okulaba nti ebiri mu kiraamo bikolebwa era bitukuirizibwa
- Erinnya ly'omusika ava mu kika oba ow'obuwangwa
- Amannya g'abakuza oba abawabuzi singa wabaawo abaana abali wansi w'emyaka kkumi na munaana
- Ebiragiro by'engeri y'okuziikibwamu na byonna by'ayagala okukolebwa
- Abantu bonna abalala abalina ebirabo eby'enjawulo eby'okufuna mu kiraamo
- B'abanja n'emiwendo
- Abamubanja n'emiwendo

Ebirala ebyetagisa

- Ekiraamo kirina okussibwako omukono oba okusayiningibwa oba okussibwako ekinkumu ky'omuwandiisi oba nnyini kyo ku buli lupapula lwakyo
- Kiteekebwako emikono/ kisayiningibwa abajulizi nga babiri. Tebalina kusoma ku kiraamo kino. Tebalina kuba bamu kw'abo abanaganyulwa mu kiraamo
- Walina kubaawo ekiraamo kimu kyokka ekikyusibwamu singa nnyini kyo aba ayagadde oba eky'ongerwamu singa wabaawo obwetaavu. Singa wabaawo ekiraamo ekirala ekikolebwa/ ekipya ekiwandikibwa, olwo ekikadde kirina okusanyizibwawo.

- Ekiraamo tekirina kulaga bubonero bwonna bwa kukyusibwakyusibwa
- Ekiraamo kirina okubeera ne kkopi entonotono nga ssatu era nga ku zino buli emu eweebwa omuntu ow'enjawulo ate nga si beebamu ku banaaganyulwa mu kiraamo. Okugeza abantu b'eddiini, kkooti y'amateeka, abakulu ba gavumenti abavunanyizibwa ku bintu by'abantu (amataka n'amayumba), by'abagenzi, abaana abatanneetuuka n'ebirala (be tuyita ba administrator general), ebitongole ebitereka/ ebibala sente (banka), bannamateeka- looya n'ab'emikwano abeesigwa
- Kirina okussibwako bulungi era ne kiterekebwa mu kifo we kisobola okukuumibwa obulungi.

OKULAAMA AMAKA OBA ETTAKA L'YOBUFUMBO / FAMIRE

- Gano ge maka omugenzi ge yalinako obwa nannyini era ne famire ye mw'ebeera/ esula
- Gano si geegamu ku bintu by'omugenzi ebyokugabanyizibwa oba okusaasanyizibwa mu kiraamo nga bagawa abantu abalala okujjako nga nnamwandu/ ssemwandu owo bufumbo obumanyikidwa mu mateeka, bamulekwa n'abantu abalala omugenzi be yali alabirira nga bamaze okugabirirwa bulungi. Kwegamba amaka gano gaba ga namwandu/ssemwandu, bamulekwa n'abantu omugenzi beyali alabirira.
- Namwandu kimugwanidde okubeera mu maka ge ag'obufumbo/famire paka ng'azzeemu okufumbirwa oba ng'abaana bakuze bawezezza emyaka kkumi na munaana.

OKULAAMIRA EBINTU EBIRIKO OBWA NNANYINI OBW'AWAMU

- Ebintu ebiriko obwananyini obwawamu/ obugatte biddira omufumbo aba asigaddewo nga munne afudde. (Twogera ku bintu ebyawandiIsibwa mu mannya g'abafumbo bombi/ bonna oba ebyo ebyafunibwa mu bufumbo obumanyikiddwa mu mateeka)
- Ebintu nga bino tebisobola kugabanyizibwa na bantu balala abalaamibwa omugenzi. (kubanga byali bya mugenzi ne mukyala we oba mwami we)
- Wabula ebintu eby'obwanannyini obugatte nga buli omu amanyi ekipimo kye byo bisobola okugabanyizibwa kubanga buli omu aba amanyi w'akoma okuba n'obwanannyini era asobola okugaba ekikye/ebibye mu kiraamo ng'azaaye. Era wano abaganyulwa mu kiraamo basobola era bakkirizibwa okutwala omugabo gwabwe. Manya nti omugenzi alina lukusa lugaba mugabo gwe gwokka

Ekiraamo ekitakkirizibwa ekiyinza okuwakanyizibwa;

- Ekyo ekyakolebwa omuntu atali mu bwongo bwe butuufu oba bulamu okugeza nga mulwadde, mukadde nnyo, mugwi wa ddalu, n'ebirala.
- Ekyo ekyakolebwa nga nnyini kyo akakiddwa oba asindiikiriziddwa oba atiisiddwatiisiddwa
- Ekitateekeddwako sayini/mukono gwa nnyini kyo/ nnyini kukiwandiika oba abajulizi
- Ekiraamo ekirala ekikoleddwa nga tuvudde ku kyogerwako/ ekimanyiddwa (ebilaamo bibiri)
- Ekiraamo ekitategeerekeka nga ensonga sinnambike bulungi
- Ebintu ebyogerwako mu kiraamo nga tebiriiyo/ tebiriiwo oba nga tebibadde bya mugenzi (tabirinako bwa nanyini) oba nga byatundibwa nannyini kukola kiraamo nga tanafa
- Bwe kiba tekyogera ku bakyala, baami oba abaana abamanyikiddwa mu mateeka oba abantu beyali alabirira

Ani asobola okuwakanya ekilaamo:

- Ekilaamo bwekiba nga kitwaliddwa nti sikituufu, kisobola okuwakanyizibwa n'obukakafu eri ekkooti omuntu/ abantu nga;
  - Ssemwandu/ namwandu
  - Maama oba taata
  - Bamulekwa
  - Abaana abaakuzibwa obukizibwa omugenzi ng'ababe
  - Abaana ab'omunda ddala – ba musaayi gw'omugenzi
  - Abazadde b'omugenzi
  - Abagabirirwa.

Awatali kiraamo;

- Kino kibaawo ng'omuntu afudde talese kiraamo oba ng'ekiriwo kitwaliddwa okuba nga si kituufu/ kikyaamu/ kya mpewo

OKUKWASAGANYA EBY'AMAYUMBA NG'EKIRAAMO KIWAKANYIZIBWA OBA NGA TEWALI KIRAAMO

- Administrator general ye mukulu/ omubaka wa gavumenti avunanyizibwa ku kukwasaganya n'okuddukanya eby'ettaka oba amayumba g'omuntu azaaye. Kino kitegeeza nti y'alina obuvunanyizibwa ku bintu by'omuntu afudde nga talese kilaamo
- Omuweereza omukulu owa gavumenti (CAO) akulira disitulikiti ku ddaala lya disitulikiti
- Omuyambi w'omukulu wa gavumenti akulira disitulikiti ku ddaala ly'egombolola y'ayimirirawo ku lwa administrator general.

OKUSAASANYA/ OKUGABANYA EBINTU/ AMAYUMBA G'OMUGENZI OKUSINZIIRA KU TTEEKA LY'OBUSIKA (KU KIKUMI -100%)

Abaganyulwa	Obwenkanyi bw'omugabo %
Singa omugenzi alese omukyala/ abakyala oba omwami, abaana, abantu b'agabirira, omusika ow'ekika/ eby'obuwangwa	
Omukyala/ abakyala oba omwami	15%
Abaana	75%
Abantu abalala b'agabirira	9%
Omusika w'ekika	1%
Singa omugenzi alese omukyala/ abakyala, omwami, abaana, omusika ow'ekika	
Omukyala/ abakyala oba omwami	15%
Abaana	84%
Omusika ow'ekika	1%
Singa omugenzi alese omukyala/ abakyala oba omwami, abantu abalala b'agabirira, omusika w'ekika	
Omukyala/ abakyala oba omwami	50%
Abantu abalala b'agabirira	49%
Omusika w'ekika	1%
Singa omugenzi alese abaana bokka n'omusika ow'ekika	
Abaana	99%
Omusika w'ekika	1%
Singa omugenzi alese omukyala/ abakyala oba omwami n'omusika w'ekika	
Omukyala/ abakyala	99%
Omusika w'ekika	1%
Singa omugenzi alese abantu abalala b'agabirira n'omusika w'ekika	
B'agabirira	99%
Omusika w'ekika	1%
Singa omugenzi talina gw'alese, awo ab'enganda bakkirizibwa okwawula ebintu ne babigabana wakati waabwe mu bwenkanya	

MANYA BINO;

Etteeka ly'obusika teryawula mu baana bazaaliddwa mu bufumbo obumanyiddwa mu mateeka n'abo abazaliddwa wabweru w'obufumbo obumanyiddwa.

ETTEEKA LY'OBUSIKA (ENNONGOSEREZA) 2011

- Etteeka ly'obusika lyayisibwa paliyamenti eya Uganda, naye ne liwakanyizibwa mu kkooti
- Abalwanirizi (abeegayirizi, aboogerezi) b'eddembe/ ensonga z'abakyala mu Uganda baawakanya

ebitundu ebimu ebisangibwa mu tteeka by'obusika nti tebikwatagana na Ssemateeka ate nga terikuuma eddembe ly'abakyala

- **Ensonga ze bayogerako ze zino;**
  - Etteeka ly'ogera ku kufa kw'abaami nga tebalese kiraamo naye tekyogera ku kufa kw'abakyala nga tebalese kiraamo.
  - Namwandu afuna ebitundu kkumi na bitaano ku buli kikumi eby'amayumba agaba gasigaddewo kyokka ate bbo ba ssemwandu beeyagalira mu kikumi ku kinnaakyo
  - Ligamba nti obutuuze bwa namwandu mu maka g'obufumbo/famile bukoma singa addamu n'afumbirwa omwaami omulala kyokka ye ssemwandu obubwe bukoma nga afudde.
  - Etteeka erigamba nti omukuza alondebwa taata lirinnyirira eddembe lya maama ery'obuzadde
  - Lya kyekubiira, kubanga liwa omukisa olulyo omuva omwami oba taata okulonda omusika ow'omu mateeka nga telinnawa lulyo lwa maama/ omukyala .

OKUKOMEKKEREZA;

- E Kkooti ya Ssemateeka mu Apuli (Kafuumulampawu) 2007 yasalawo nti ebintu eby'ogeddwako waggulu mu tteeka ly'obusika tebikyakkirizibwa/ tebikyatwalibwa mu mateeka
- Ekiseera kino tewali tteeka lya busika mu Uganda likwata ku nkwasaganya ya mayumba (estate) ga muntu nga afudde ppaka ng'ekiwandiiko ekikwata ku tteeka ly'obusika kikyusiddwa era ne liyisibwa mu palamenti.

08

EKITUNDU EKY'OMUNAANA:

ABAKYALA OKUFUNA OBWENKANYA MU NSONGA Z'ETTAKA N'EBINTU
OKUFUNA OBWENKANYA KYE KI;

- Ly'eddembe ly'okutuukirira, okutuuka, okuyingira n'okukozesa ebitongole/ abantu abakwasaganya obwenkanya.
- Ssemateeka w'eGgwanga Uganda agamba nti abantu bonna benkana mu maaso g'Etteeka mu buli ngeri y'obufuzi, bya busuubuzi, mbeera za buntu n'eby'obuwangwa n'amu buli kintu era bonna bajja kweyagalira mu bukuumi obw'ekyenkanya obw'etteeka.

OBWENKANYA KU TTAKA.

- Kitegeeza obulambalamba bw'emitendera n'ebitongole/ ebibiina ebirina obuvunanyizibwa ku bukuumi bw'eddembe ly'ettaka n'obwanannyini, okulaba nti eddembe lino lifunibwa era liteekebwa mu nkola n'okumalawo obutabanguko/ obutakkaanya obukwata ku by'ettaka.
- Mu Uganda tulina enkwasaganya oba sisitimu y'okulaba nti wabaawo obwenkanya mu nsonga z'ebyettaka ya mirundi ebiri (ey'omumateeka g'egwanga, n'emumateeka g'obuwangwa).
- Ensonga ya kukuuma bwenkanya n'akulaba nti amateeka n'eddembe ebikwata ku ttaka n'ebintu gatekeebwa mu nkola.
- Amateeka g'eggwanga gawandiikiddwa era gakuumibwa mu Ssemateeka wa Uganda, mu tteeka ly'ettaka, mu tteeka lya kkooti za ba LC (local council) 2006, mu tteeka ly'okuwandiisa ebyaapa, mu tteeka erikwaata ku kufuna amayumba oba ennyumba ku bbanja n'amateeka gonna agakwata ku ttaka.
- Amateeka g'eby'obuwangwa tegatera kuwandiikibwa naye gakkirizibwa okukozesebwa mu kkooti za wansi.
- Ssemateeka wa Uganda owa 1995 agamba nti singa wabaawo okukontana oba obutakkanya wakati w'amateeka g'egwanga n'ag'ebyobuwangwa, olwo etteeka ly'Eggwanga lyeriba likozesebwa.
- Ssemateeka asukkulumye ku mateeka gonna agafa ku by'ettaka. Ebirowoozo ebikwatagana n'eby'obuwangwa ebisalibwawo tebirina kukontana na Ssemateeka.

ENKOLA EZEEYAMBISIBWA OKUTUUSA OBWENKANYA (eri ababwetaaze) MU BY'ETTAKA

(i) Ebitongole/ ebibiina ebikwasaganya ensonga z'ettaka.
(ii) Ebitongole ebimalawo obukuubagano/ obutakkaanya/ obutabanguko ku by'ettaka

EBITONGOLE/ EBIBIINA EBIKWASAGANYA ENSONGA Z'ETTAKA.

- Okusinziira ku kiwandiiko ekyogeera ku mulamwa gw'okugabanya obuyinza n'emirimu, Etteeka ly'ettaka elya 1998 ligabanyiza obuyinza bw'okukwasaganya n'okuddukanya ensonga z'ettaka ku daala lya disitulikiti ne ggombolola. Kwekugamba nti ensonga z'ettaka zisobola okukolebwako ku disitulikiti n'eggombolola.

1. Etterekero ly'ebiwandiiko by'ettaka (land registry).
2. Ekitongole ekikulu ekivunanyizibwa ku bye ttaka kye bayita The Uganda Land Commission.
3. Obukiiko obukulembera okusalawo ku nsonga z'ebyettaka ku distiulikiti (District Land Boards).
4. Obukiiko obukola ku bye ttaka mu bitundu n'amagombola (Sub county Area Land Committees).
5. Abakulu abakola ku kuwa ebiwandiiko by'obwananyini ku ettaka/ ebifa ku ttaka oba ebbaluwa y'obusenze

ENSONGA LWAKI EBITONGOLE EBIKWASAGANYA ENSONGA Z'ETTEKA BIREMERERWA OKUTUUKIRIZA OBWENKANYA NGA BIKWASAGANYA EMIRIMU GYABYO/ NGA BITEEKA MU NKOLA EBIBISUUBIRWAMU

- Biriwo mu butono ddala era bwe waba waliwo, waliwo Bukiiko obukola ku by'ettaka mu bitundu
- Obukiiko obukulira okusalawo ku by'ettaka obwa disitulikiti gye buli busukkulumye mu bunafu
- Ofiisi z'ettaka eza disitulikiti ezirina okuyambako obukiiko bwa disitulikiti obukulira/ obusalawo ensonga z'eby'ettaka zifuna obugabirizi (resources) butono ddala. Obugabirizi buli wansi w'ekipimo kye zirina okufuna
- Ebitongole bino tebirina bikozesebwa mu ofiisi, kwegazanya kumala (sipeesi/ space), ebifo by'okuteerekamu n'ebyuuma ebyetagisa okusobola okukola obulungi/ okutukiriza emirimu gyaabwe.
- Abakwasibwa obuvunanyizibwa ku bukiiko obusalawo ensonga z'ettaka mu disitulikiti n'obukiiko bw'ebitundu obukola ku by'ettaka tebalina bukugu n'abumanyirivu bumala kusobola kukwasaganya mirimu gyaabwe olw'obutalagirirwa n'akutendekebwa bulungi mu ntandikwa.
- Obutawa bakulu abaddukanya ensonga ezikwata ku by'ettka kasiimo kamala/ kamatiza.
- Obuweereza obutatuukiridde oba obulemeredde ebitongole bya Uganda ebiddukanya ensonga z'ettaka ebiseera ebisinga/ emirundi mingi buvunaanibwa ku butaba na nsimbi ku madaala gonna ag'eggwanga n'aga wansi (national and local level).

EBITONGOLE EBIKOLA KU KUMALAWO OBUTABANGUKO/OBUTAKAANYA OBUVA KU TTAKA

- Byogerwako mu tteeka ly'ettaka elya 1998.
- Byateekebwawo kumalawo nnyombo/ butakaanya obujawo wakati w'abantu nga buvudde oba bukwata ku ttaka.
- Mu bitongole bino, mulimu amadaala g'obukulu bw'okusalawo oba obuvunanyizibwa.

EKIFANANYI EKIRAGA EMITENDERA EGIGOBERERWA OKUMALAWO OBUTAKAANYA OBW'ETTAKA

EBITONGOLE EBYAKAAKATI

- Kkooti enkulu esukkulumye ku ndala zonna (Supreme Court)
- Kkooti y'okwegayirira/ okutukayo okusaba (Court of appeal)
- Kkooti enkulu (High court)
- Chief magistrate's court
- Magistrate's court (Grade 1)
- Kkooti y'ekyaalo ku daala ely'okusatu (Local council III courts)
- Kkooti y'ekyaalo ku daala ely'okubiri (Local council II courts)
- Abakulu abalondebwa mu buwangwa/ ab'ebika/ abakulu abagezizi abawangadde era nga banyi (Traditional authorities)/ kayungirizi/ omugassi w'abatakaanya/ abasowaganye (mediator)

EBITONGOLE EBYALULI/ EDDA

- Kkooti enkulu esukkulumye ku ndala zonna (Supreme Court)
- Kkooti y'okwegayirira/ okutukayo okusaba (Court of appeal)
- Kkooti enkulu (High court)
- Kkooti y'ettaka ku disitulikiti / oba akakiiko akasalawo ensonga z'ettaka ku disitulikiti (District Land Tribunal)
- Kkooti y'ettaka ku ggombolola / oba akakiiko akasalawo ensonga z'ettaka ku ggombolola (sub-county Land Tribunal)
- Abakulu b'okukyaalo ku daala ery'okubiri n'ery'okusatu/ omugassi w'abatakaanya (Traditional authorities/mediator

ABAKYALA MU KUFUNA OBWENKANYA KU NSONGA Z'ETTAKA N'EBINTU

1. Obutasobola/ okulemererwa okutuuuka ku bitongole mu buntu.
2. Obutafuna kusomesebwa na kumanyisibwa kumala eri abakwasibwa obuvunanyizibwa
3. Engeri abaweereza abalina obumanyirivu n'abatalina, abali mu nkola eriwo (sisitimu) gye batwaalamu ebyo ebyagonjebwawo okwawula abaami n'abakyala/ abasajja n'abakazi. Gwegamba babikuliriza ate babikkiririzaamu
4. Emisoso egya wagulu ejirimbikiddwa mu (sisitimu) ekintu ky'obwenkanya/ emitendera gy'okufuna obwenkanya ate nga tewali kumanyisibwa kuweebwa okusobola okukozesa misoso gino okugeza olulimi olugwiira olukozesebwa mu kkooti
5. Okuba ne kyekubiira n'okubulwa obwanjulukufu mu bwenkanya obuweebwa
6. Okulwa mukuwa/ okutuusa obwenkanya eri abwetaaze
7. Obuli bw'enguzi n'okugulirira
8. Emiwendo eminene egisangibwa/ egisasulwa mu goba emisango
9. Abakyala obutamanya tteeka n'addembe lyaabwe
10. Omulimu gw'eby'obuwangwa n'engeri n'enkola za bajajja ffe
11. Okusukkuluma n'obukulu bw'abaami/ abasajja mu maka/ famire n'engeri ezikozesebwa okumalawo enkayana mu byaalo oba ebitundu
12. 1Okukozesa/ okuteeka mu nkola engeri z'obuwangwa kyokka nga mu mbeera za bajajja ffe ziba ziwagira baami/ basajja

Ebisomooza kkooti z'ebyaalo by'ezisanga nga zikuuma abakyala n'eddembe lyaabwe ely'ettaka obutatyoboolwa/ obutasanyizibwawo.

1. Abakulu b'ebyaalo (LC) obutasomesebwa/ obutafuna kubangulwa mu mateeka g'eggwanga n'obuwangwa.
2. Ekizibu ky'obuli bw'enguzi n'okugulirira
3. Enkolagaana ey'okumpi ddala eri wakati w'abawereza/ abakozi mu kkooti n'abantu abafunye obutakaanya/ enkayaana
4. Obukulu bw'abaami obusukulumye
5. Obweganyi bw'abatuula era abawereza mu kkooti z'ebyaalo mu kusala ensonga/ emisango gy'amaka/ famire
6. Emisango okugitekamu eby'obufuzi
7. Obutaba na buyinza kuteeka okusalawo kwaabwe mu nkola
8. Okutya obutabanguko n'okulwana mu maka nga abakyala bakwaata omuntu w'omumaka/ munju mu kkooti

ENKOLA Y'OBWENKANYA KU TTAKA N'EBINTU EYANDYAGADDWA ABAKYALA.

Abakyala betaaga enkola y'obwenkanya nga etukiriza bino wammanga;

1. Esobola okusasulwa abaavu
2. Erina obwangu n'okukolerawo mu kutuusa empeereza

3. Yabwenkanya era nga etuuka ku bizibu bya buli muntu okusinzira ku mbeera ye oba ekiti ky' – abaavu, abakyala, abavubuka n'abalema
4. Nga esobola okutukibwako mu buntu
5. Nga terimu buli bwa nguzi no'kugulirira
6. Abawereza nga balina obumanyirivu obumala okukola emirimu gyaabwe
7. Nga elubirira o'kuleeta emirembe n'okukomekereza emisango
8. Nga ewa obuyinza okuteeka mu nkola ekyo ekiba kisaliddwawo

09

EKITUNDU EKY'OMWENDA:

ENGERI ENDALA EZ'OKUMALAWO OBUTAKAANYA/ OBUKUBAAGANO

1. Obukwasaganya /obuyungirizi.

- Omukwasaganya/ kayungirizi aba muntu so si kitongole oba ofiisi
- Omukwasaganya ayitibwa ayambeko mu kwogeraganya/ entesaganya eziriwo okusobola okumalawo enjawukana abantu ababiri oba okussukawo zebaba balina nga zivudde mu ttaka n'ebintu.
- Ani alonda omukwasaganyi?
  - Abantu abalina enjawukana/ obutakaanya be bakirizaganya ku muntu anakola ogw'obukwasaganya. Obukwasaganyi/ obwa kayungirizi bukolebwa butya?
  - Omuntu alondeddwa alina okuba nga wa mpisa nnungi ddala za kika kya wagulu era nga amanyikiddwa okuba omwesimbu, alina obumanyirivu mu kutabaganya abantu/ okukwatagana n'abantu kubanga zino empisa ze zirina okumusobozesa otuusa abantu bano abatakaanya ku kukirizaganya
  - Omukwasaganya alina omulimu gw'obugassi mu ngeri ennungamu era ennungi n'amanyisa abantu bombi oba bonna ebituufu ebiriwo/ amazima agaliwo
  - Omukwasaganya akolera ku mpagi z'obutaba na kyekubiira (teyekubiira), obwenkanya era alina okutunuulira ensonga zonna mu buli ngeri eziyinza okuba nga zaavuddeko obutakaanya/ akakuubagano, eddembe ly'abantu n'obuvunanyizibwa bwa buli omu ensonga gw'ekwatako, empisa z'obuwangwa n'enneeyisa/ enkola, amateeka amawandiike ne Ssemateeka
  - Okusisinkana n'okwogera n'abantu abafunye obutakkanya. Asobola okubalaba nga kinnoomu oba nga bali wamu
  - Awa ebiteeso mu kwogera oba mu buwandiike ku ngeri abasowaganye gye bayinza okugonjoola obutakaanya ku buli ddaala lyonna ery'okukwasanya eriba lituukiddwako
  - Talina kuba na gw'awagira yadde okusalira o'muntu yenna omusango. (Omulimu gwe gwa kuleetawo kukirizaganya).
  - Omukwasaganya tafugibwa muntu yenna era yetwaala kuba teri amulinako buyinza.
  - Mulimu gwe okulaba nga afuna/ ayiiya engeri abantu ababa n'obutakaanya gye batuuka kukukirizaganya ne bakwatagana.
  - Omukwasaganya takaka bafunye butakkaanya kutuuka ku kukkirizaganya
  - Abasoowaganye bwe batuuka kukukkirizaganya, nga omukwasaganya ayiiya/ akola ebyo (terms) bye balina okwesigamako mu kukkirizaganya kwaabwe era bino birina

okukirizaganyizibwako bonna abali mu kakubaagano
- Omukwasaganya ateeka mu buwandiike endagaano y'okukkirizaganya era bonna abalina obutakkaanya bagiteekako emikono zetuyita sayini/ ebinkumu
- Endagaano eno egatta era ekwaata ku abantu bano bonna
- Omukwasaganya ayita mu ndagaano eno era buli omu n'aweebwako kopi ensayininge.
- Kopi emu eterekebwa ku ofiisi oba omuntu avunanyizibwa ku bwenkanya mu nsonga z'ettaka.

Mu myezi esatu, omukwasanya alina okukomya emirimu gye egy'obukwasaganyi mu buwandiike ng'amateeka bwe gamulagira era alina okuwa abalina obutakkaanya amagezi g'okweyongerayo mu kitongole ekikwasaganya obwenkanya.

2. Okukkiriza okugonjoolwa nga mulonze agonjoola (Arbitration)

- Wano abafunye obutakaanya balonda omuntu oba abantu abanaabasalirawo nga balina obumanyirivu ku nsonga eri mu diiro wadde nga teyasoma mateeka
- Amateeka n'emitendera gatera okuba nga ga mirembe - mangungu (relaxed) era nga ga bulijjo (informal).
- Ebisalidwawo biyinza okuteekebwa mu nkola oba nedda, Naye ng'okusinga awabula(Advise)
- Ebiseera ebisinga tewaba kiteeso kiwandiike/ kusalawo kuli mu buwandiike
- Engeri eno yamugaso mu misango egyetaaga obwangu era ebisalibwawo bya kyaama
- Waliwo emikisa mitono ddala egy'okusaba okudda emabega ku kisaliddwawo

3. Okusalawo okweddiramu (Conciliation.)

- Wano abafunye obutakaanya bayinza okwagala obuyambi okuva eri omuntu ow'okusatu/ omulala atalina sayidi gy'yekubirako okusobola okugonjoola ensonga n'okutuuka kukukirizaganya nga ab'omukwano.
- Engeri eno yandikozesebwa nga abatakaanya tebanatuuka kukukiriza kulonda anabagonjoolera ensonga zaabwe. Emitendera egiri mu kusalawo okwediramu bwegirema, olwo netweyongerayo mu kulonda agonjoola obutakaanya.
- Kino kibawo nga abatakaanya bakiriza kikolebwe
- Endagaano ezitukiddwako tezikakibwa balina butakaanya nga tebayagadde/ tebasiimye

ENKOMEKKERELO

TRANSPERANCY
INTERNATIONAL
UGANDA

Kampala Office
Plot 3 Martyrs Lane, Ntinda
P.O. Box 24335, Kampala - Uganda
Tel: +256 414 255 836, Fax: +256 414 341 546
Email: info@tiuganda.org, Web: wwwtiuganda.org

Lira Office
Plot 18 Otim Lakana Road
P.O. Box 24335, Kampala - Uganda
Tel: +256 473 280 673
Email: info@tiuganda.org, Web: wwwtiuganda.org